# Msgr. Kayondo alaze obukulu bw'amaka agalimu eddiini

Bya STEVEN MUSOKE

MUNSINYOOLI wa Lugazi Dr. Richard Kayondo asabye Abakristu okukuza obulungi abaana ate banywere ku Katonda.

Bino yabyogeredde mu maka ga Salongo Lumaama e Busenya ekiri mu Nakifuma Naggalama TC mu mmisa eyakulembeddemu emikolo gy'okuziika muwala we Ritah Nakato azaalibwa ne mune Faaza Waswa Lumaama. Msgr. Kayondo yalangidde abamu ku Bakristu abakoma ku kubatizibwa kwokka ng'ebiddako tebaagala kumanya ne beeyisa nga bwe balaba.

Yagambye nti amaka bwe gabeeramu eddiini ebintu byekola byokka n'abaana abagavaamu beegombebwa abalala.

STEVEN MUSOKE



Msgr. Kayondo (akutte akazindaalo) n'abasosodooti abalala nga bali mu kusabira omwoyo gw'omugenzi Ritah Nakato (mu katono).